# BAMUTADDE KU MUDUMU GW'EMMUNDU NE BAWAMBA OMWANA E BUIKWE

OMUZIGU ow'emmundu nga yeekapise akakookolo, alumbye amaka g'omusawo n'anyaga obukadde bw'ensimbi n'awamba ne muwala we ow'emyaka omukaaga n'abulawo naye. Bibadde mu Naminya Cell, Kiira Ward, mu divizoni y'e Njeru mu Buikwe. Omuzigu yalumbye amaka ga Dr. Moses Mbuga Ndiwalana, 37, n'abba ssente n'abulawo n'omwana Kaira Nankya Mbuga, 6. Byabaddewo nga Dr. Mbuga yaakatuuka awaka, omusajja ow'emmundu bw'abatuuseeko n'abassa ku mudumu gw'emmundu n'omuserikale we, Michael Byaruhanga, mukyala we n'omukozi w'awaka. Kigambibwa nti yanyaze 1,650,000/- n'awamba n'omwana ono owoobuwala n'abulawo naye. Omwogezi wa poliisi mu Ssezzibwa, Hellen Butoto, agambye nti bali ku muyiggo okuzuula omwana ono n'okukwata abazigu baguliko.